

# Emisomo egitegekeddwa mu mwoleso gwa Harvest Money



ENKUMBI TERIMBA

Bya HERBERT MUSOKE



Robert Sserwanga ng'asomesa abalunzi b'enkoko.

AMAGEZI y'empagi luwaga ewanirira bizinensi yonna okukola amagoba, era ggwe ayagala okufuna mu bulimi n'obulunzi ky'osaanidde okutandikirako okusobola okukola amagoba.

Eno y'ensonga lwaki Vision Group etwala ne Bukedde ekutegekedde emisomo 27 mu nnaku essatu ez'omwoleso gwa Harvest Money Expo mu kisaawe e Kololo.

Kennedy Mwota, amyuka akulira ebivvulu mu Vision Group agamba nti, nga bwe gubadde emyaka egiyise, bategese emisomo abakugu mwe bagenda okusomesereza abalimi n'abalunzi mu ngeri y'ekikugu gye balina okuddukanya ffaamu zaabwe nga bizinensi.

"Twagala okulaba ng'abalimi n'abalunzi mu Uganda bafuna amagoba mu ssente ze bassa mu ffaamu zaabwe. Wano abakugu bagenda kubawa amagezi ku nteekateeka ya ffaamu, okulonda endyo entuufu n'ensigo z'omulembe, endabirira mu ndiisa, okulwanyisa n'okutangira obulwadde, amakungula, okugattako omutindo n'akatale," Mwota bw'agamba.

Emisomo gya kutandika ku ssaawa 4:00 ez'oku makya okutuuka ku 6:00 ez'omu ttuntu ate olweggulo gitandike ku ssaawa 8:00 okutuuka ku 10:00 ez'olweggulo. Ku Lwokutaano waakubeerawo omusomo ogw'enjawulo ogw'abayizi ku wakati w'essaawa 6:00 ez'omu ttuntu okutuusa ku 8:00.

Omwoleso gwa Harvest Money ogutegekebwa kkampuni ya Vision Group etwala ne Bukedde ng'eri wamu n'ekitebe kya Budaaki mu Uganda gwakubeerawo okutandika nga February 27 okutuuka nga March 01, 2026 ku kisaawe e Kololo nga gugenda kukuleetera abantu bonna abaliko kye bakola mu bizinensi y'obulunzi n'obulimi.

Ogw'omwaka guno guteereddwaamu ssente kkampuni ya Tunga Nutrition,

HARVEST MONEY 10 ANNIVERSARY EXPO 2026

Engineering Solutions (ENGSOL), Pearl Bank, Uganda Development Corporation ne aBi Development.

Okuyingira omwoleso guno osasula 10,000/- ate n'okwetaba mu misimo egigenda okutegekebwa ku bintu eby'enjawulo buli lunaku osasula 10,000/- olunaku.

## EMISOMO KU NNAKU EZ'ENJAWULO

● **KU LWOKUTAANO February 27**

**Okutandika ku ssaawa 4:00 ez'oku makya okutuusa 6:00 ez'omu ttuntu.**

**Emmwaanyi :** Omusomo guno gugenda kusomesebwamu Joseph Nkandu n'omukugu okuva mu kitongole ekinoonyereza ku mmwaanyi mu Uganda nga bonna bakugu mu by'emmwaanyi okukuwa ebikwata ku bika, endabirira entuufu, enkungula n'okugattako omutindo kufuna ekisinga mu mmwaanyi.

**Okulima obutunda :** Bashir Mayiga, omuwangizi w'empaka z'Omulimi Asinga ne Joseph Kiggundu bagenda kuwa abalimi n'abaagala okuyingira okulima obutunda amagezi g'okutandika, endabirira y'omusiri n'okugatta omutindo ku butunda bwe bakungudde.

**Okulunda embizzi :** Christopher Mulindwa ne Dr. Micheal Buwembo bagenda kusomesa okulunda embizzi nga bizinensi nga weesigama ku lulyo olutuufu n'endiisa egenda okukuwa amagoba.

**Okugonjoola obukuubagano:** Guno gugenda kusomesebwamu munnamateeka Catherine Baine-Omugisha. Agenda kuwa abalimi, abalunzi n'abalala bonna abaliko bizinensi ze bakola engeri gye basobola okukwataganya n'okugonjoola obutakkaanya gamba ku ttaka, okulagaanya, abakozi n'abakozesa, kontulakiti ennene n'entono n'ebirala.

**Akawungeezi okutandika ku ssaawa 8:00 okutuuka 10:00**

**Okulunda embuzi :** Guno gugenda kutunuulira kulunda mbuzi z'amata nga Juliet Kanyesigye agenda kusomesa endabirira yaazo ate ne by'osobola okugakolamu ng'ebizigo, sabbuuni n'ebirala, ate Edgar Muhumuza asomese okulunda embuzi nga bizinensi.

**Okulunda enkoko :** Ssaalongo Robert Sserwanga ne Chris Magezi, omukugu mu ndiisa y'enkoko okuva mu kkampuni ya Champrisa International kw'ossa Dr. Samuel Ssewagudde ne Dr. Rogers Ssekiwunga abasawo b'ensolo okuva mu Tunga Nutrition be bajja okusomesa.

**Okulimira awafunda :** Harriet Nakabaale ng'ali wamu ne Godfrey Kato ne Nicholas Kayondo aba KCCA Kyanja baakukuwa amagezi ku ngeri y'okulimira n'okulundira mu bifo ebifunda mu ngeri okufunira ssente.

**Okulunda obumyu :** Muawiya Mukasa ne Beatrice Luzobe bagenda kusomesa obulunzi bw'obumyu naddala ku ngeri y'okufuna akatale k'ennyama y'obumyu n'okukola amagoba.

# Ayagala okumanya ebikwata ku katale ka Budaaki weeyune omwoleso

**KU LWOMUKAAGA, February 28**

**Okutandika ku ssaawa 4:00 ez'oku makya okutuuka ku 6:00 ez'omu ttuntu**

**Okulunda enjuki :** Steven Kunihira (Mr Bee) ne Moses Kuteesa bagenda kusomesa obukulu bw'okulunda enjuki naddala mu bibuga, ebizivaamu n'engeri gy'okola ssente.

**Okunda embizzi :** Abalunzi bagenda kusomesebwa Dr. Emma Naluyima (Maama Pig) ne Dr. Esther Nakajubi okuva mu kitongole ky'eggwanga ekikwataganye ensonga z'olulyo lw'ebisolo (NAGRC). Bano bagenda kukuwa engeri gy'ofuna ssente mu mbuzi okuyita mu lulyo n'endiisa.

**Okufuna akatale ka Budaaki :** Omusomo guno gugenda kwogerebwamu abakugu okuva mu Budaaki okukulaga engeri gy'osobola okufuna n'okukwatagana ne kkampuni zaayo okufuna akatale okuva mu Budaaki.

**Okulima obutiko :** Abbel Kiddu, omulimi w'obutiko era omuwanguzi w'empaka z'Omulimi Asinga, y'agenda okusomesa okulima obutiko okutandikira ku bye weetaaga, okuteekateeka ennimiro, okukola ensigo, okulabirira ebirimiro, amakungula n'ebisobola okukolebwa mu butiko okuli; ensaano enywerwa ku caayi, okukolamu ebizigo ne wayini.

**Olw'eggulo okutandika ku 8:00 okutuusa 10:00**

**Amaatoke :** Ssaalongo Washington Mugerwa ne Dr. Wilson Asher Okurut okuva e Kawanda bagenda okusomesa okulima ebitooke nga baakuwa abalimi amagezi g'okwongera omutindo mu matooke n'ebigogo okufunamu obugoogwa, n'okulwanyisa obusiring'anyi obulya n'okusiriiza emirandira gy'ebitooke (Nematodes).

**Okulunda embuzi :** Guno gugenda kutunuulira kulunda mbuzi z'amata nga Juliet Kanyesigye agenda kusomesa endabirira yaazo ate ne by'osobola okugakolamu ng'ebizigo, ssabbuuni n'ebirala ate Edgar Muhumuza asomese okulunda embuzi nga bizinensi.

**Okulunda ente z'amata mu kibuga :** Guno gugenda kusomesebwamu Dr. Jolly Kabirizi ng'agenda kusomesa ku ngeri omulunzi gy'asobola okufuna ssente mu busa omuli okukolamu ne ssabbuuni w'amazzi. Omusomo omulala gwa kulunda mbizzi.

BIRAZE KUP 14